**Ebikulu Ebifa ku Mbeera y'Ebirime Ebyembala mu Busuubuzi Bwensi Yonna: 2011**

**Bya Clive James, Omutandisi era Ssentebe w'Ekitongole kya ISAAA**

*Kiwandiikibwa kulwaako akawumbi k'abantu abali mubwaavu nokulumwa enjala n'okulaba nti banyululwa*

**Ebilime eby'embala byeyongera okutumbuka oluvanyuma lw'enkulakulana eye myaaka 15 egyomudiringanwa ate nga nobungi bwa bantu mu nsi yona bwe bukoona obuwumbi 7.**

Okusinziira ku migaso egyenkukunala egyeyoleka , obukadde 12 obwa hekiteya ze nimilo eze bilime ebyembala bwe bweyongerako mu 2011. Eno enkulakulana ya bitundu 8 ku buli kikumi buli mwaaka. Kuno okulinya nekuba kwa bukadde 160 okuva ku 148 obwa hekiteya zenimilo ezaaliwo mu 2010.

Okulinya kw'omuwendo gwe nimilo zebilime byembala emilundi 94 okuva ku hekitaya akakadde 1.7 mu 1996 okutuuka 160 mu 2011 kifuula ebimera ebyembala tekinologiya we bilime asinga okwettanirwa mu byafaayo bye bilo bino..

Obujjulizi obwenkukunala obuwagira ebimera bino bwoleka nti okuva mu 1996 okutuuka 2011,obukadde nobukadde bwabalimi munsi 29 ezensi yona besalirawo kulwaabwe okusimba nokuddamu okusiga obungi bwa hekiteya akawumbi 1.25-ensonga enkulu eyesigamyeko obwesige buno abalimi bwebalina mu bimera -so ng'ate abilimi bantu batera okwekengera - kwekuba nti ebilime ebyembala bileeta amagoba aganamaddala mu byenfuna, enkulakukulana y'abantu, n'obutonde.

Ku mawanga 29 agasiga ebimera ebyembala mu 2011, 19 gakyaakula ate 10 gakulakulana dda.Ensi 10 ezasiinga okusiga ebimera bino munsi yona zasiimba akakadde ka hekiteya kalamba nokusoba ake nimilo ze bimera bino. Guno musingi mugazi munsi yona okunesigama enkulakulana eyengeri eyenjawulo munsi yona.

Mu mwaaka gwe 2011, likoda ya balimi obukadde 16.7 be basiga ensigo z'ebimera ebyembala, okwo kulinya kwa kakadde 1.3 oba ebitundu 8 ku buli 100. Ku abo 90 ku buli 100, oba obukadde 15 baali balimi banfuna mpola abasangibwa munsi ezikyaakula.Wadde ng abalimi bakwekengera nyo , mu 2011 likoda yabalimi obukadde 7 abeddaala lya mufuna mpola mu China nabalala obukadde 7 mu India basalawo okusimba hekitaya obukadde 14.5 obwe kimera ekye mbala ekya ppamba ayitibwa Bt. Cotton.

Ensi ezikyaakula zasiga ebitundu 50 ku buli kikumi ebye bimera bino mu 2011 era zisuubirwa okusukka hekiteya ze nimilo zensi ezaakula edda mu 2012.Mu 2011, enkozesa ye bimera ebyembala yakubisaamu emilundi ebili mukujjumbilwa abalimi nemu muwendo gwe nimilo ezaasimbwa munsi ezikyaakula ebitundu 11 ku buli 100 bwogerageranya ne bitundu 5 ku buli kikumi oba obukadde bwa hekiteya 3.8 mu nsi ezaakula edda.

Ate ensigo ezebika ebyenjawulo zo za kitalo-amawanga 12 ge gasimba ensigo zino ezembala ezebika ebisukka mu bibiri ebyenjawalo mu 2011. Kizaamu amaanyi nti 9 ku ago e 12 gaali mawanga gakyaakula-obukadde 42.2 oba kimu kya kuna ku obwo obukadde 160 obwa hekiteya ezasimbwa mu 2011 zaali za kika ekyo ekyebika ebyenjawulo. Kuno kutumbuka kwa bukadde 32.3 obwa hekiteya oba ebitundu 22 ku buli 100 ku ezo hekiteya obukadde 148 ezasimbwa mu 2010.

Ensi ettaano ezikyaakula ensaale munkozesa ye bimera ebyembala ziri India ne China mu Asia, Brazil ne Argentina mu Latin America ne South Africa ku lukalu lwa Ssemazinga wa Africa. Zino zona awamu zikikilila ebitundu 40 ku buli 100 obwobungi bwa bantu munsi yona obusuubilwa okuwera obuwumbi 10.1 mu 2100.

Omulundi ogwokusattu nate Brazil yayolesa nga bweri omutima gwenkulakulana mu nkozesa ye bilime bino mu nsi yona.Yayongeza hekiteya zayo eze birime ebyembala okukila eggwanga lyonna eddala ngetekawo likoda ya bukadde 4.9 obwa hekiteya, okwo kwekweyongerako kwa bitundu 20 ku buli 100 mu 2010.Enkola empya eyamangu yayisa ebika 6 ebipya nga muno mw'otwaalidde ne kika kye kijanjaalo ekitalumbibwa buwuka ekya kolebwa aba EMBRAPA ( abanonyereza ku byobulimi mu Brazil).

United States, nate yeyongera okweliisa enkuuli mu kulima ebimera ebyembala mu nsi yona ngerina obukadde 69 obwa hekiteya. Okutwaaliza awamu yeyunira enkozessa y'ebimera ebyekika kyona ekyembala emirundi 90 ku buli kikumi. Okusimba kwa alfalfa RR kwaddamu nekweyongerako hekiteya 200,000.

Weyongerako hekiteya endala 475,000 eza sugar beet owe kika kya RR. Amapapaali agagumira ebiwuka agalimwa mu US gaweebwa olokusa okuliibwa ng' ekibala oba emmere mu Japan okutandika ne December 2011.

India yakuza emyaaka 10 egyokulima ppamba owe kika kya Bt ngesimba hekiteya ezisukka obukadde 10 omulundi ogusookera ddala, awo neweza omugatte gwa bukadde 10.6 ogulimwa. N'olwekyo eba erina ebitundu 88 ku buli kikumi obwa likoda yo bukadde 12.1 obulimwa munsi yonna. Abaasiinga okuganyulwaamu bwe bukadde 7 obw'abalimi banfuna mpola abalima okutwaliza awamu hekiteya 1.5 buli omu eza ppamba. India yatumbula enfuna mu bulimi bwa ppamba owa Bt nobuwumbi 9.4 obwa dollar wakati we 2002 ne 2010. Ate nefuna obuwumbi 2.5 obwa dollar mu 2010 gwoka.

Mu China, obukadde 7 obwabalimi banfuna mpola ( abalima nga ekitundu kya hekiteya buli omu okutwaliza awamu ), basimba likoda za hekiteya za bukadde 3.9 obwa ppamba owe kika kya Bt. Eno likoda ya bitundu 71.5 ku buli kikumu eyo kwettanira enkozesa ye bilime bino.Essuubi eryo kukirizibwa kw'omuceere ogwe kika kya Golden Rice okozesebwa mu busuubuzi mu Philippines mu 2013/2014 kija kuba kya muwendo eri China.

Mexico yasimba hekiteya 161,500 eza ppamba owembala, kino kilaga okwettanira enkozessa eno ya bitundu 87 ku buli kikumi. Kino kyateekawo likoda ya bitundu 178 ku buli kikumi okuva ku hekiteya 58,000 mu 2010 mu kwongera kwenkozesa eno.Ekilubililwa kwekwemalilila mu ppamba alimwa munsi eyo, nokusimba kasooli mu bitundu ebyomumambuka gensi eno kino kikendeeze tani 10 eza kasooli agulwa ebweeru eyeyongera okulinya omuwendo .

Africa yagenda mumaaso no kulongoosa mumateeka agafugga ebimera bino. South Africa, Burkina Faso, ne Misiri zona zalima likoda ya bukadde 2.5 obwa hekiteya. Ensi ssatu, Kenya ,Nigeria, ne Uganda zageseza ennimiro endala.

Amawanga mukaaga aga EU galima likoda ya mitwaalo 114,490 eza hekiteya za kasooli owembala owe kika kya bt, kwekulinya kwa bitundu 26 ku buli kikumi okuva mu 2010. Ensi endala bili zasimba lumonde owe mbala owekika kya" Amflora."

Okuva mu 1996 okutuuka mu 2010, ebimera ebyembala byayamba ku bungi bwe mmere, okukuuma omutindo ne mbeera yo budde nga; bwongeza ku bungi bwe mmere erimwa ebalibwamu ensimbi obuwumbi 78.4 obwa dollar za America, buleetawo embeera yo butonde ennungi ngabukendeeza kg obukadde 443 obweddagala erifuyiila ebilime eritera okwonoona embeera eno; Mu 2010 gwoka omuka gwa CO2 ogufuluma mu banga gwakendeera kg obuwumbi 19, kuno kubanga okujja emmotoka obukadde 9 ezitambula ku luguudo. Kukuuma ekikula kyobutonde nga butaasa hekiteya 91 eze ttaka. Era ne bukendeeza ku bwaavu ngabuyamba abalimi obukadde 15 banfuna mpola abo abamu kubasinga obwaavu munsi yona. Ebimera ebyembala byetaagisa naye si ddagala limalawo bizibu byona. Kikyetagisa okwesigama ku nnima ennungi nga okukyusakyusa mu nnima no kulaba nga ebimera bigumila embeera, bino byetagisiza ddala mu nkozessa ye bimera ebyembala ngabwekili ku ebyo ebyabulijjo.

Kyetaagisa okutekawo amangu ddala enkola ezifuga ensonga zino nga zabuvunanyizibwa , ngazekenenyereza ddala ensonga nobwegendereza naye nga ate tezisumbuwa nga zesigama ku magezi ga science ate nga zikekekereza mu nsimbi nokutuukilizibwa mu budde munsi entono ezikyaakula ne mu EU.

Omuwendo gwensigo ezembala zoka munsi yona zabalililwamu obuwumbi 13 mu 2011. Go amakungula g'emmere eyempeke eva mu bimera ebye mbala ettundibwa ku katale negabalililwamu obuwumbi 160 buli mwaaka.

Essuubi lyokutuukiriza ebilubililwa bye kyaasa kya 2015 MDG nokweyongerayo litangaavu; Ensi kumi endala zegasse ku ezo ezijjumbidde enkozesa ya tekinologiya ono. Kassoli owembala agumira ekyeeya ateekwateekwa okutandika okozesebwa mu North America mu 2013 ne mu Africa mu 2017; Omuceere gwe kika kya Golden Rice mu Philippines mu 2013/2014; Kasooli owe mbala asuubirwa okuweza hekiteya 30 oluvanyuma omuceere ogwe kika kya bt . Ebimera ebyembala bisobola okuyamba kukutuukiriza ebilubililwa bye kyaasa kye 2015 ebyo kukendeeza obwavu wakati nga bitumbula okulima emmere ekisobola okwongerwamu amaanyi nga zigavumenti zikolaganira wamu ne banekolera gyange gamba nga ku kasooli owe mbala agumila ekyeeya owa Africa eyayambibwaako bananakyeewa nga Bill ne Melinda Gates Foundation.

Essila lya ISAAA ku nsonga essatu ezokugabana amagezi, okuyiiya n'enkolagana eyawamu evaamu ebiggya ettukana ne kiteeso kya Gates Foundation kyeyayanjulila aba G20 ( amawanga 20 agaakula edda ) mu November we 2011.

Ebisingawo bisange ku kiwandiiko namba 43 *Global Status of Commercialized Biotech/GM Crops: 2011"*, ekyawandiikibwa Clive James. Okumanyisibwa okusingawo kusange ku mukutu gwa Yintaneti oguyitibwa http://www.isaaa.org oba tuukirira ISAAA *Afri*Center ku ssimu nnamba +254-20-4223618 oba email africenter@isaaa.org oba info@isaaa.org.